# Omuzadde faayo okulaba ng'omutimbagano tegutta kitone kya mwana

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

EBITONE ky'ekimu ku bintu eby'enkizo ennyo mu bulamu bw'omuntu ensangi zino kubanga bangi bibayambye okufuna obulamu obulungi era obweyagaza.

Kyokka omwana oba omuntu yenna okusobola okuganyulwa mu kitone kye kirina kusooka kuzuulibwa era n'ayambibwako abantu ab'enjawulo naddala abakugu okusobola okukikuza.

Okusoomoozebwa okuliwo ennaku zino kw'abazadde abamu okuleka abaana baabwe ne babeera ku masimu oba ku mutimbagano ebbanga eriyitiridde, omutimbagano guno gwolekedde okutta ebitone by'abaana ng'ebimu tebinnaba na kuzuulibwa.

Omukugu mu nkuza y'abaana, Maureen Kizito okuva mu kitongole kya Peas agamba nti: Omwana bw'abeera ennyo ku ssimu n'omutimbagano, tekiba kyangu kuzuula kitone ky'alina era oyinza okwekanga ng'ekitone ekyo kifudde.




Okugeza ffe we twakulira, ng'osobola okulaba omwana ng'azimbazimba obuyumba n'omanya nti, oyo ekitone eky'okuzimba akirina olwo n'olaba engeri gy'okugenda ng'okikulaakulanyaamu. Mu ngeri era mu kuzannya, walaba abaana abaafumbafumbaga, okuzannya omupiira n'ebirala olwo ggwe omuzadde n'omanya ekitone omwana wo ky'alina oba okuzuula ebyo by'asobola okukola. Kyokka omulembe guno ogw'amasimu n'omutimbagano, enkola ey'okuzuula ebitone by'omwana mu ngeri eno tekyali nnyangu.

Mu ngeri y'emu, oluvannyuma lw'okuzuula ekitone ky'omwana, era waliwo obuvunaanyizibwa obw'okukikuza, okugeza bw'ozuula nti, omwana wo alina ekitone ky'okuyimba oba okuzannya emizannyo, aba alina okwongera okutendekebwa okulaba ng'akikugukamu. Newankubadde nga ne ku mutimbagano kusobola okubaako abantu abasobola okulabika ng'abakugu era ng'omwana wo asobola okubagoberera, naye ggwe ng'omuzadde oyinza okuba nga teweekakasa bukugu bwo.

Mu ngeri y'emu era omutimbagano ogwo gusobola okulaga omwana nti, ebintu byangu nnyo kyokka nga si bwekiri, okugeza omwana asobola okulaba akatambi ng'omuntu afumba keeke naye ng'eyidde mu ddakiika ttaano zokka ekintu ekitali kituufu.

Awo nno bw'ozuula ekitone ky'omwana, olina okulaba ng'akiteeka mu nkola mu ngeri gye kikolebwamu entuufu. Okugeza bw'aba ayagala okufumba okugeza keeke, mulage engeri gy'efumbibwamu era ebirungo abyetabulire. Gy'akoma okwegezaamu gy'akoma okufuna obukugu okukkakkana ng'afuuse kafulu era ng'atandise n'okufuna ssente ku myaka emito.

Awo no nga ffenna tukkiriza nti, omutimbagano weeguli era nga bingi ebiguliko ebiyigiriza, tulina okugera obudde abaana baffe bwe balina okugubeerako ate n'obudde obw'okukuza ebitone byabwe.

Bw'abaako akantu k'alabyeeko n'ayagala okukateeka mu nkola, kozesa obukodyo omwana bw'alabye abuteeke mu nkola mu bulamu obwa bulijjo asobole okukuguka.

Mu ngeri y'emu, ggwe okukozesa obukugu obw'enjawulo gamba nga weeyambisa abaakuguka mu bya kompyuta babeeko appu ze bateeka mu ssimu oba mu ttaabu ng'obudde bwe wateekawo omwana bw'alina okubeera ku ssimu bwe butuuka nga ssimu yeggyako omwana n'asobola okufuna obudde obukuza ekitone ky'aba alina kisobole okumuganyula ng'akyali mu myaka emito ate ne bw'aliba akuze ayongere okukifunamu.


Maureen Kizito